# Prostat Akademi eraze ekitone

Bya GERALD KIKULWE

ABAZANNYI ba Prostat Sports Academy abeegattira mu kiraabu ya 'Flamingo FC ne Juventus FC' basitukidde mu mpaka za Internal Club Tournament ezaayindidde e Gayaza ku Lwomukaaga.

Flamingo ne Juventus buli emu yawangudde ku mitendera ebiri ku 4 egyavugannyiziddwamu. Empaka zeetabiddwaamu Juventus, Flamingo ne Valencia mu mitendera ogw'abali wansi w'emyaka 7, 9, 10 ne 14. Dayirekita wa Akademi eno, Richard Mugerwa yategeezezza nti empaka zino zaakubeerangawo buli mwaka okuwagala n'okwekenneenya ebitone bye bazimba.

"Tuzeeyambisizza okusunsula abazannyi betutwala mu mpaka za DANA Cup ezigenda okuyindira mu Denmark omwaka guno," Mugerwa bwe yategeezezza. Omwaka oguwedde, Prostat Sports bwe yeetaba mu DANA Cup, yamalira mu kyakusatu nga kati baagala kukiwangula.

Omwaka guno Prostat yabadde Ethiopia n'ewangula ekikopo kya Endale Cup.




Abazannyi ba Prostat abali wansi w'emyaka 7. Owookubiri ku bayimiridde emabega (ku ddyo) ye Patrick Senfuka eyaliko mu KCCA.